# Gavumenti egumizza Bannayuganda ku mafuta

GAVUMENTI egumizza Bannayuganda nti embeera y'amafuta ekyali mu nteeko wadde nga ku masundiro agamu ebbeeyi etuuse ku 5,600/- ate ng'amalala tegalina mafuta.

Mu kiwandiiko ekyafulumiziddwa kkampuni ya gavumenti ey'amafuta eya Uganda National Oil Company (UNOC) kyalaze nga eggwanga likyali bulungi ku nsonga y'amafuta.

Baategeezezza nti bagoberera buli kigenda mu maaso okuli engeri amafuta gye gayingiramu n'enfuluma yaago okuva mu materekero ga gavumenti.

Baalaze nga balina amafuta agamala ate nga waliwo n'agali ku mmeeri agatuuka essaawa yonna.

Mu alipoota gye baafulumizza nga 20, April 2026, erambika obungi bw'amafuta mu bika ebyenjawulo getulina nga gano gasobola okutambuza eggwanga ennaku 19 mu maaso.


Minisita Ruth Nankabirwa.

Amafuta agali ku mmeeri gasuubirwa okutuuka mu ggwanga wakati wa May ne June, nga gaakutuukira ku myalo okuli ogw'e Mombasa mu Kenya n'emyalo emirala mu Tanzania.

Bino we bijjidde nga bbeeyi y'amafuta ekyagenda mu maaso n'okulinnya ku masundiro ag'enjawulo.